

Okwekebeza obulwadde lwe kuzza omukwano obuggya mu baagalana

TULI mu December, omwezi ogwaweebwawo okujjukiza abantu nti akawuka ka mukenenya gye kali nti era ka bulabe eri obulamu bw'abantu. Naye wali weebuuzizzaako lwaki oluusi obwagazi bw'okunyumya akaboozi ne muganzi wo bukubula?

Oluusi bubula olw'okuba tomwesiga bulungi nti oba mulamu oba mulwadde olw'embeera ze z'oteekakasa.

Ssenga Barbra Nangendo, abuulirira abaagalana agamba

Akakola k'olunaku

nti kikulu okubeera nga mwekebeza mukenenya ng'abaagalana okumanya munno bw'ayimiridde era kizza obwesige mu mukwano ne gudda buggya.

Ssenga Nangendo akubiriza abaagalana okwekebezanga si lwakuba balwadde naye kukuuma bwesigwa mu wakati wamwe kuba omu bw'alwalwa, emikisa gy'okusiiga munne gyeyongera ekireetera obuta-

banguko nga buli omu ng'alumiriza munne okuleeta obulwadde era buli omu n'alaba munne ng'atali wa mazima omukwano ne guseebengerera.

Nangendo agamba nti oluusi tekikoma ku kwekebeza kawuka kaleeta mukenenya kokka naye n'endwadde endala okuli; Hepatitis B, sukaali n'ebirala era omukwano gwongera okuguma n'omanya na butya bw'olina okukwata munno singa mukizuuula ng'alina obulwadde bwonna.

